# Muzibe akkirizza ogw'okusobya ku w'emyaka 15

Bya HENRY NSUBUGA

AKULIRA abalamuzi ba kkooti ento e Mukono, Paul Matyama asingisizza muzibe omusango gw'okusobya ku mwana ow'emyaka 15. Ivan Birungi (44) ye yasingisiddwa omusango oluvannyuma lwa ye kennyini okukkiriza mu maaso g'omulamuzi nti kituufu yasobya ku muwala ono.

Oludda oluwaabi nga lukulembeddwaamu Josephine Nanyonga lwategeezezza kkooti nti Birungi yalagiriza omuwala ono okuva mu kyalo ng'ategeezezza bazadde nti yali agenda kumuyambako ku mirimu olw'okuba nti ye muzibe.

Wabula oluvannyuma lw'okumuleetera omuwala ono mu Kampala gye yali akolera ogw'okusabiriza, kigambibwa nti yapangisa loogi gye yasula n'omuwala nga mu kiro yasula amukabassanya, nga bino byaliwo nga February 3, 2026.

Kigambibwa nti oluvannyuma lw'okumukabassanya, muzibe yatiisatiisa omuwala nti ssinga anaabeerako gw'abuulira ajja kumugoba addeyo mu kyalo.

Nanyonga yategeezezza kkooti nti Birungi enkeera yagenda n'omuwala okusabiriza ku luguudo nga bwe baakomawo ekiro era n'atandikira we yakomye. "Enkeera, omuwala agamba nti yatandika okuwulira obulumi n'asaba Birungi amuzzeeyo ewaabwe kyokka nti ono kye yakola ate kwe kusenguka e Kampala n'adda e Mukono n'akola kye kimu.

Nga bali e Mukono, omuwala yamwebbako n'agenda anyumizaako omu ku bawala abakola mu loogi nga wano we baategeereza ku poliisi n'ekwata Birungi n'avunaanibwa," omuwaabi wa Gavumenti bwe yategeezezza.

Oluvannyuma lw'okuwulira bino, Birungi yakkirizza nga bwe yazza omusango wabula n'afukamira ne yeetondera Katonda ne kkooti ng'agamba nti omusango gwe yazza agutegedde nti kituufu yakola ensobi.



Omuserikale ng'azzaayo Birungi mu kkomera.

Omuwaabi wa Gavumenti Nanyonga yasabye omulamuzi okwongerayo omusango guno n'ategeeza nti yabadde akyalina okusooka okwogera n'omuwala Birungi gwe yasobyako ne bazadde be bamubuulire bo ekibonerezo kye bandiyagadde kiweebwe omusibe.

Omulamuzi omusango yagwongeddeyo okutuuka nga March 2, Birungi lw'anazzibwa mu kkooti aweebwe ekibonerezo.